Pamphlet

# Obulungi bwa
# Shab-e-Bara-at

(Luganda)

ٱلْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعٰلَمِيْنَ وَ الصَّلٰوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِيْنَ اَمَّا بَعْدُ فَاَعُوْذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيْمِ ؕ بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ؕ

# Obulungi bwa Shab-e-Bara-at

## Omwezi gwa Nabbi ﷺ

Nabbi wa Rahmah, Omuwolereza wa Ummah, Nannyini Jannah صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yagamba: 'Sha'ban mwezi gwange ate Ramadan mwezi gwa Allah عَزَّوَجَلَّ.' *(Al-Jami'-us-Saghir, pp. 301, Hadis 4889 – Dar-ul-Kutub 'Ilmiyyah, Beirut)*

## Olukalala lw'abafu lukolebwa

Sayyidatuna 'Aishah Siddiqah رَضِىَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهَا yagamba, 'Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yali asiiba mu Sha'ban.' Ye رَضِىَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهَا lumu yabuuza, 'Ya Rasulallah صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم! Lwaki oyagala nnyo okusiiba mu Sha'ban?' Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yaddamu, 'Allah عَزَّوَجَلَّ awandiika erinnya lya buli muntu anaafa omwaaka guno ate njagala kubeera nga nsiibye mu kaseera k'okufa kwange.' *(Musnad Abi Ya'la, pp. 277, vol. 4, Hadis 4890 – Dar-ul-Kutub 'Ilmiyyah, Beirut)*

## Okusalawo okunene

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Nga ekiro kya 15th ekya Sha'ban-ul-Mu'azzam kinene nnyo! Ani amanyi kki ekimugerereddwa. Oluusi, omutnu tafaayo naye tamanyi kiki ekiterekeddwa gyali. Kiwandikiddwa mu *Ghunya-tuṭ-Ṭālibīn*, 'Enssanda z'abantu bangi ziyizeddwa naye abanyu abagenda okwanbala essanada ezo betala mu butale. Waliyo abantu bangi entaana zabwe ezimaze okusimibwa era zibalinze naye abo abagenda okuzikibwa mu babulide mu masanyu. Abantu abamu baseka naye ekiseera ky'okuzikirira kwabwe kiri kumpi nnyo. Okuzimba kw'amayumba mangi kugenda kuggwa naye akaseera k'okufa ok'abanannyinizo nako kasembede.' *(Ghunya-tut-Talibin, pp. 348, vol. 1)*

## Abantu abasubiddwa

Abagalwa ba'oluganda abasiraamu! Shab-e-Bara-at kiro kinene nnyo ate tekirina kumalibwa mu bya mbyone. Okufukumuka kw'emikisa egy'enjawulo ku kka mu kiro kino ekitukuvu. Mu kiro kino, Allah عَزَّوَجَلَّ ajja abantu mu muliro mu muwendo ogusinga enviiri ku mbuzi z'ekika kya Banī Kalb. Kiwandikiddwa mu bitabo nti ekika kya Banī Kalb kyekyali kisinza embuzi enyingi mu bika byonna mu Bawarabbu.

Naye! Waliyo abantu abamu ab'omukisa omubi abalangiddwa nti tebaja kufuna kusonyiyizibwa mu Shab-e-Bara-at i.e. ekiro ky'okununulwa. Shaykh Imam Bayhaqi Shafi'i عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللّٰهِ الْقَوِى yagamba mu '*Faḍāil-ul-Awqāt*': Nabbi wa Raḥmaĥ, Omuwolereza wa Ummaĥ صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yalabula; 'Abantu mukaaga tebaja kusonyiyizibwa yadde ne mukiro ekyo:

(1) Omutamiivu (2) Oyo ajeemera bakadde be. (3) Oyo alina omuze gw'obweenzi. (4) Oyo eyeyawula ku b'engada. (5) Oyo akuba ebifananyi. (6) Oyo aliimba. *(Faḍāil-ul-Awqāt, pp. 130, vol. 1, Hadis 27 – Maktaba-tul-Manarah, Makka-tul-Mukarramah)*

Mu ngeri y'emu, oyo ay'ogera ebijja, omulogo, oyo elebeesa Shalwar ye oba Tahband wansi w'obukongovule olw'okwelaga, n'oyo alina obukyaayi oba ennugu eri omusiraamu omulala balabuddwa okubeera nti tevafuna kusonyiyizibwa. Omuntu yenna bwaba nga yali yetaba mu kimu ku bibi ebyo waggulu alina okwenenya okuva ku ntobo y'omutima gwe okuva ku kibi ekyo kyennyini ate n'okuva kubibi ebirala byonna awamu Shab-e-Bara-at tennaba kutuuka; okusinga alina okwenenyeza ddala mu kaseera kano kennyini awatali kuliinda kwonna. Omuntu yenna bwaba nga yali alyazamaanyizza abalala, olwo nno, okugata ku kwenenya, alina okusaba ekisonyiwo okuva kw'abo abantu oba abasasule.

## Okusiiba ku 15th of Sha'ban

Sayyidunā 'Ali كَرَّمَ اللّٰهُ تَعَالٰى وَجْهَهُ الْكَرِيْم yagamba nti Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yagamba, 'Ekiro kya 15th Sha'ban bwekijja, kola Qiyam (ey'okusiinza) mu kiro ekyo ate siiba emisana. Tewali kubuusabuusa Allah عَزَّوَجَلَّ assa Okweyolesa Kw'obwakatonda ku ggulu waggulu w'ensi okuva mu kaseera ng'enjuba egudde era nalangirira, 'Waliyo omuntu yenna asaba okusonyiyizibwa mbeere nga mmusonyiwa? Waliyo omutnu yenna anoonya okugabirwa mbeere nga mmuwa

kyasaba? Waliyo omuntu yenna abonaabona mbeere nga mmuja mu kubonaabona kwe? Waliyo omuntu bwati ne bwati…'. Allah عَزَّوَجَلَّ asigala alangirira ekyo okutuusa ekiseera kya Fajr.'

*(Sunan Ibn Majah, pp. 160, vol. 2, Hadis 1388 – Dar-ul-Ma'rifah, Beirut)*

## Akakisa akasasuza ennyo

Ebitabo by'emirimu bikyuusibwa ku Shab-e-Bara-at. Bwekiba kisoboka, siiba ku 14th Sha'ban obeera nga okusiiba kuwandikiddwa mu kuggalawo ekitabo kyo eky'emirimu.

Ku 14th Sha'ban, ng'omaze okusaala eJammah ya Salah ya 'Asr kirungi okubeera mu I'tikaf era osigale mu Masjid n'eNiyyat ey'okulinda Salah ya Maghrib. Mu ngeri eno ekiseera ekisembayo nga ekitabo ky'emirimu kiri kumpi kukyusibwa, embeera z'okubeera mu Masjid, okubeera mu I'tikaf, n'okuliindirira okusaala Salat-ul-Maghrib etc. zija kuwandikibwa mu. Ate zaabu nnyo okubeera nga ekiro kyonna okimala mu kusinza Allah عَزَّوَجَلَّ.

## Obukuumi okuva ku ddogo okumala omwaaka mulamba

Kiwandikiddwa ku lupapula 134 olw'ekitabo '*Islāmī Zindagī*', ekirimu empapula 170, ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnaĥ, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: 'IMu kiro kya 15th Sha'ban, fuumba obukoola musaanvu obw'omuti gwa 'berry' mu mazzi, naaba Ghusl n'amazzi ago (nga gawoze) إِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ ojakufuna obukuumi okuva ku ddogo okumala mwaaka mulamba.'

## Nawafil mukaaga oluvannyuma lwa Salat-ul-Maghrib

Okusaala Rak'aat mukaaga eza Nafl oluvannyuma lwa Fard ne Sunan za Salat-ul-Maghrib kimu kun kola y'abalonguufu رَحِمَهُمُ اللّٰهُ تَعَالٰی ab'obusiraamu. Oluvannyuma lw'okusaala Fard ne Sunan etc., saala Rak'aat mukaaga eza Nafl mu bitundu bya bbiri bbiri. Nga tonnaba kusaala Rak'aat ebbiri ezisooka, kola eNiyyah eno: 'Ya Allah عَزَّوَجَلَّ! Ku lw'obulungi bwa Rak'aat ebbiri zino, mpa obulamu obuwaanvu era obulungi.'

Mu ngeri y'emu, nga tonnaba kusaala Rak'aat ebbiri eziddako, kola eNiyyah eno: 'Ya Allah عَزَّوَجَلَّ! Ku lw'obulungi bwa Rak'aat ebbiri zino, nkuuma okuva ku bizibu byonna.' Nga tonnaba kusaala Rak'aat ebbiri ezisembayo, kola eNiyyah eno: 'Ya Allah عَزَّوَجَلَّ! Ku lw'obulungi bwa Rak'aat ebbiri zino, tonteeka kwesigamira muntu yenna okujjako Ggwe.'

Oluvannyuma lwa buli Rak'aat bbiri, soma Surah al-Ikhlas emirundi abiri mu gumu oba Surah Yasin omulundi gumu. Bwekiba kisoboka soma byombi. Kisoboka nti ow'oluganda omusiraamu omu asoma Surah Yasin ng'abalala bagiwuliriza. Kiteeke mu bwogo nti ab'oluganda abasiraamu abalala tebalina kusoma Surah Yasin etc. mu lwaatu sekkinnoomu nga okusoma kugenda mu maago mu lwaatu. إِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ Empeera nnyingi nnyo zija kukunganyizibwa gyooli muntandikwa y'ekiro kino eky'emikisa. Buli luvannyuma lwa Surah Yasin, soma edduwa ya Nisfu-Sha'ban.

## Some Madanī Requests by
## Sag-e-Madinah

اَلْحَمْدُلِلّٰه عَزَّوَجَلَّ! Ebadde nkola ya Sag-e-Madinah kuva dda okusaala Nafl mukaaga n'okusoma Quran Entukuvu ku Shab-e-Bara-at nga bwekinyonyoddwa waggulu. Ensiinza eno oluvannyuma lwa Maghrib eri Nafl. Tekiri Fard ate tekiri Wājib ate tewali kugaanibwa mu Shari'ah okukwaata ku Nafl ne Tilawah oluvannyuma lwa Maghrib.

**Okusaba kwa Madanī:** N'olwekyo, bwekiba kisoboka, ab'oluganda abasiraamu bonna balina okusaala zino Nawafil omukaaga n'okusoma azikaari oba edduwa endala oluvannyuma lwa Salah ya Maghrib mu Masjid z'abwe okufuna empeera enyingi. Banyinna abasiraamu basobola okukola ensiinza zino mu maka gabwe.

6 Sha'ban-ul-Mu'azzam 1431 AH
19-July-2010